SSEMATEEKA W'EKIBIINA KY'ABAAMI ABAKATOLIKI

MU SSAZA EKKULU ERY'E KAMPALA

EKIBIINA KY'ABAAMI ABAKATOLIKI MU SSAZA EKKULU ERY'E'KAMPALA

AMATEEKA AGAFUGA EKIBIINA (CONSTITUTION)

MUBE BAJULIZI BA KRISTU, KITANGAALA KYE MU NSI

Abakristu abereere, mu Ssaza lyabwe, nabo bagabana ku mulimu gw'obununuzi, Kristu Omusaseredooti, Omuyigiriza (Omulanzi), Kabaka (omusumba omulungi), gwe yakola mu nsi n'agulekera abatume n'abasika baabwe okugwongera okutuuka lw'alidda- Mk:16 15-16; Vat II Laity No. 33, Canon 225.

Buli kiseera, mu mabanga amawufu Kristu nnyini bikungulwa anoonya abanakola mu nnimiro ye, tewali gw'atatwala, naye buli gwaggukako amubuuza kimu nti lwaki oyimiridde

ENNYANJULA wano olunaku lwonna nga tolina ky'okola? Amulagira: "Naawe genda mu nnimiro yange." (Mt:20:6-7). Kijjukirwenga nti mu bagoberezi ba Kristu tewali alendera, omulimu munene, ebikungulwa bingi naye abakozi be batono.

Omulimu gw'okulangirira amawulire ag'obulokofu, ag'essanyu, omukristu omwerere agutuukiriza mu ngeri gy'ayisaamu obulamu bwe obwa bulijjo mu nsi, mu mirimu gye, mu nkolagana ne nneyisa mu banne, mu by'obufuzi, mukukulaakulanya eby'obuwangwa, okulwanirira amazima n'obwenkanya (social, economical, political and cultural aspects) naye byonna ebyo ng'abitambuliza mu kitangaala kya Kristu; ye Vanjiri ky'eyigiriza; ebikolwa bye nga kye biraga nti muyigirizibwa mugoberezi wa Kristu ggere (Mt. 5:14-16; Vat II Laity no's 13-4, 20) Pope Paul II Vocation and Mission of the Lay Faithful No.3

Okukola obulungi emirimu gyabwe abakristu aba bulijjo (lay faithful) betaaga okuyaambibwa okumanya obulungi ekifo kyabwe mu Eklezia n'obuvunanyizibwa obugenderako oba emirimu egibalindiriddwa okukola.(A new sense of responsibility and solidarity)

Ekisookera ddala balina okunnyikirira ddala Ekigambo kya Katonda (Holy Scriptures) n'enjigiriza ya Klezia mu bikwata ku bulamu bw'ensi (Social teaching of the Church). Olwo basobola bulungi okuddukanya emirimu egizimba Eklezia nga bali wamu n'Abasaserodooti, n'Omwepiscopi wabwe nga bayambagana (Vat. II Laity no's 10, 23, 31)

Omusiingi gwa byonna kwe kuyambagana bonna abakkiriza banywerere ku Kristu ensibuko y'obulamu, Omusaserodooti Omukulu, Omulanzi Omukulu Kabaka waabwe bonna. Kristu yennyini akikakasa bw'gamba: "Nze muzabbibu, mwe muli matabi", John 15:5, Jer, 2:21, Is; 5:1-2, Mt; 21:28ff. Oba tunanywerera ku Kristu ffena tuteekwa okukolerera okubeera ekimu mu ye, nga Paulo Omutume bwayigiriza (Gal; 3:27, Eph; 4 :22 ff)

Abajjula Kristu bebasobola okukolera awamu omulimu gw'obutume oguluubirira okulangirira amawulire ag'obulokofu Kristu ge yalekera Eklezia: Mk. 16:15-16; Lk. 4:16-18, Mt.25:40. Abantu bonna batuuke ku bulokofu obw'emirembe (Vat.II Laity No. 5, 6), Ababatizze bonna bafuuka omubiri gumu mu Kristu omutwe gwabwe. Naye buli kitundu kya mubiri kirina omulimu gwakyo omwawufu gwe kikola, na buli mukristu mu ssa lye ateekwa okubeerako kyakola, tewaba alendera, bonna abakristu ayagala bakole mu nnimiro ye bakungule. (1 Cor.12:1-12, 26…….)

Ekibiina ky'abaami Abakatoliki mu Ssaza ekkulu ery'eKampala nga balabira ku Yozefu Mukasa Balikuddembe omujjulizi omutuukirivu, kitondeddwawo okubayamba okutuukiriza ebyo ebimenyedwa. Olwo bajja kufuukira ddala bajjulizi ba Kristu mu nsi, kitangaala kye ng'omuwoleleza wabwe gwe tubakwasizza bwe yali mu budde bwe (mirembe gye)

Mu ngeri ey'enjawulo abakristu abereere be balina obuvunanyizibwa okutwala ekitangaala kya Kristu ne kyakira mu Bantu be mu bifo bo bokka gye basobola okubeera ng'omunyu n'ekitangaala (Laity 35). Olwo bazimbe obw'akabaka bwa Katonda mu mitima gy'abantu nga gijudde, girimi obutuukirivu, amazima, obwenkanya, okwagala n'eddembe. (Laity 36)

+ Mathias Ssekamaanya
Omusumba Omubeezi, Kampala Archdiocese
6-9-1995
Okujjukira okutuuka kwa ba Mill Hill Fathers mu Kampala nga 6-9-1895

EKITUNDU 1: **ERINNYA**

Watondeddwaawo ekibiina ekiyitibwa: **"EKIBIINA KY'ABAAMI ABAKATOLIKI"** mu Ssaza Ekkulu ery'e Kampala okuva nga 26/8/1995 ekirina ekitebe ky'akyo ekikulu e Rubaga ku ndagiriro:

Ekibiina ky'Abaami Abakatoliki
P.O. BOX 14125
MENGO – KAMPALA

EKITUNDU 2: **EBIGENDERERWA**

Okumanyagana, okwagalana, okwegatta n'okuyambagana abaami abakatoliki balyooke batuukirize amasakramentu erya Batismu ne Confrimansio kye gabafuula, na ddala;

i) Okunnyikiza eddiini enkatoliki mu Baami Abakatoliki.

ii) Okunnyikiza, okutuukiriza obuvunaanyizibwa bw'omwami omukatoliki mu Maka, mu Eklezia ne mu Ggwanga.

iii) Okunyweza amaka n'okuzimba amaka ku musiingi gw'obukatoliki (Vat. II Laity No. 11)

iv) Okuluubirira okutuukiriza obuvunaanyizibwa mu nguunjula enkatoliki ey'abaana mu maka, mu masomero n'awalala ng'Eklezia bwayigiriza (Vat. II Laity NO. 12, & 30, Canon 226).

v) Okuteekateeka abaana baabwe okufuna amaka amakatoliki ng'Eklezia Katolika bw'ayigiriza.

vi) Okwagaza abaana baabwe okukola emirimu gy'Eklezia nga bewaayo mu busaseredooti, mu bunnaddiini, mu busomesa (Catechist) ne mu buyigisa (teaching)

vii) Okuluubirira okubeera n'emirembe era n'obwenkanya mu mitima gyabwe ne mu Ggwanga lyonna.

viii) Okwekulakulanya mu by'enfuna, ne mu by'embeera y'ensi ez'abaami Abakatoliki; (Social, economic, political and cultural aspects).

ix) Okufuna eddoboozi ery'awamu ku nsonga ezikwata ku bukatoliki, Eklezia n'eggwanga okutwalira awamu.

EKITUNDU 3: **OMUWOLEREZA W'EKIBIINA**

Omuwolereza w'ekibiina anaabeeranga omutukirivi Joseph Mukasa Balikuddembe.

EKITUNDU 4: **OMUTWE GW'EKIBIINA (PATRON)**

Omutwe gw'ekibiina anaabeeranga Ssabasumba w'Essaza Ekkulu ery'ekampala.

EKITUNDU 5: **ABAYIMA (TRUSTEES)**

Abayima b'ekibiina banaabeeranga abantu bataano (5) nga bakola okumala emyaka mukaaga (6)

Akakiiko Akakozi kanaasabanga bannakibiina okusemba ab'okulonda ng'abayima ate amannya ago ne gateesebwako mu lukiiko olwa bonna. Akakiiko ne kalondamu amannya 5 okuwerezebwa eri omutwe Gw'ekibiina (Ssabasumba), ye n'abawa amabaluwa agabatongoza.

EKITUNDU 6: **AMAKUBO AG'OKUTUUKIRIZA EBIGENDERERWA**

i) Okutegekaanga enkungaana n'emisomo mu biseera ebigere. Ku mitendera egy'enjawulo.

ii) Okuteekawo enkolagana ennungi era ennywevu wakati w'Abaami Abakatoliki mu Ssaza ery'eKampala wamu n'abomu massaza amakatoliki amalala mu Uganda ne mu mawanga amalala.

iii) Okutema empenda ezinaayamba buli munnakibiina n'ekibiina awamu okweyimirizaaaawo mu by'enfuna n'okwekulaakulanya.

iv) Okuteekawo enkolagana, nga bwekisoboka, mu bigendererwa by'Ekibiina ky'Abaami n'eky'Abakyala Abakatoliki mu kukulaakulanya Eklezia ne Ggwanga awamu.

EKITUNDU 7: **EBISAANYIZO BY'OMUNNAKIBIINA**

A. Bunnakibiina obwabulijjo (Ordinary membership)

i) Omwami omukatoliki omwerere (lay man) awezezza emyaka kkumi namunaana (18) egy'obukulu. Okubeera munnakibiina oli anamalanga okwanjulwa munnakibiina gyabeera (ekisomesa oba Parish). Okukakasibwa anaamalanga emyezi egitakka wansi wa mukaaga (6) ate obutasukka kumi n'ebiri (12) nga yeetegereza ebikolwa mu kibiina nga ne bannakibiina bamwetegereza. Enjuuyi zombi nga zimatidde anaalagananga ku lwa 30 April oba 15 November ku Sunday eri okumpi ne nnaku ezo.

ii) Anaabanga asasudde emitemwa eginaatekebwangawo Akakiiko Akakozi era nga gikakasiddwa olukiiko lwa bonna buli mwaka:

a) Omutemwa ogw'okulowoozebwako okubeera munnakibiina n'okwetaba mu nkiiko z'ekibiina nga omutunuulizi (membership proposal and observer fee)

b) Omutemwa ogw'obunnakibiina (membership fee)

c) Omutemwa ogunaatekebwangawo buli mwaka (Annual subscription fee)

iii) Asaba okukakasibwa nga munnakibiina omujjuvu anaamalanga kutuukiriza bino:-

1. Okubeera Omwami ow'amayisa amalungi mu Bantu era ng'awa eky'okulabirako ekirungi.

2. Ajjumbira enkiiko buli lwezituula era nga yeetabye mu nkiiko emirundi egitakka wansi w'essatu egy'omuddiringanwa nga tayoseza wabula ng'abadde n'ensonga enkulu ennyo ezimuziyiza okwetaba mu nkiiko ate ng'ategeezezza Ssentebe mu buwandiike ng'abadde tasobola kukungaana.

3. Ng'asembeddwa Akakiiko Akakozi mu kitundu gy'ava ate ng'abamusemba tebakka wansi wa bannakibiina basatu.

4. Ng'akyali mujjumbizi waddini Enkatoliki

5. Ng'atazzizza musango gumenya mateeka (criminal offence) era nga tasibwangako mu kkomera ng'asingiddwa omusango ng'ogwo.

B. **<u>Bunnakibiina obw'omukago</u> (Associate membership)**

i) Omuntu omukatoliki oba ekibiina ekikatoliki abaluubirira ebigendererwa eby'efanaaanyiriza ku by'ekibiina kino by'ekiruubirira, mu Uganda oba ebweru wa Uganda.

ii) Anaabanga asasudde oba abanaabanga basasudde emitemwa egisaliddwa Akakiiko Akakozi era nga gikakasiddwa olukiiko olwabonna buli mwaka.

C. **<u>Bunnakibiina obw'obulamu bw'omuntu bwonna</u> (Life Membership)**

Omuntu okulowozebwangako okubeera munnakibiina obulamu bwe bwonna, anaabanga Omuntu addukiridde ekibiina mu ngeri ey'enjawulo ng'alaze okwagala ekibiina ate nga takka wansi wa myaka ana mu etaano (45) egy'obukulu era ng'omuntu oyo yeeyisizza bulungi mu bulamu bwe ng'omukatoliki omulungi.

EKITUNDU 8: **<u>OKUFIIRWA OBUNNAKIBIINA</u>**

Omuntu anaafiirwa obunnakibiina:-

i) Singa anaava mu ddiini enkatoliki

ii) Bwanavvoolaanga eddiini enkatoliki.

iii) Bwanaalemwanga okugoberera amateeka g'ekibiina

iv) Bwaneeyisanga mu ngeri eweebuula eddiini n'ekibiina

EKITUNDU 9: **<u>ABAKULEMBEZE</u>**

Bannakibiina bafeeyo nnyo okulonda abo be balaba nga balina omwoyo ogwagala okuweereza n'obuvunnanyizibwa.

Akakiiko Akakozi kanaberangako bano ku buli ku mutendera, i.e. Ekisomesa, Ekifo, Deanery n'Essaza

1) Ssentebe
2) Omumyuka wa Ssentebe
3) Omuwandiisi
4) Omutetenkanya w'ebyenfuna
5) Omuseesa w'ekibiina (Liaison/ Mobilizer)

6) Abakulembeze abalala bataano (5): ow'amaka , ow'abavubuka, ow'Engunjula y'abaana, ow'okwekulakulanya. Ow'eddembe n'obwenkanya.
7) Abawi ba magezi abatasukka basatu (3)

N.B:- Omuntu okulondebwa ku bukulembeze abe ng'afuna masakramentu (Laba obutume Bw'omukatoliki mu Ssaza ery'eKampala, 1990 Pg. 109, canon 512:3)

EKITUNDU 10: **<u>OKULONDA ABAKULEMBEZE</u>**

Abakulembeze banaalondebwanga mu kalulu ak'ekyama (secret ballot) nga awangula anaafunanga obululu obutakka wansi wa ataano mu kamu ku buli kikumi.

Okulonda kunaakubirizibwanga okugoberera emitendera:-

i) Ku kisomesa: Omusomesa ne Ssabakristu banaalondesa
ii) Ku parish: Omukulu w'Ekifo ne Ssabakristu wa Parish Pastoral Council
iii) Deanery: Dean ne Ssabakristu wa Deanery
iv) Ku Ssaza: Pastoral Coordinator ne Ssabakristu w'Essaza.

N.B:- Naye Omuntu ali ku kakiiko Akalondoozi ku Parish, Deanery oba ku Ssaza takkirizibwa kulondebwa ku kakiiko Akakozi ak'ekibiina kino. Akatundu kano tekakwata ku bawi b'amagezi.

EKITUNDU 11: **<u>OKUKYUSA N'OKUGGYAKO ABAKULEMBEZE.</u>**

a) Abakulembeze banaamalanga ku bukulembeze emyaka etaano(5). Abakulembeze ababaddeko banaabanga baddembe okuddamu okwesimbawo okulondebwa. Naye Omuntu taalondebwenga mu kifo ky'ekimu emirundi egisukka ebiri (2) egy'omuddiringanwa.

b) Omukulembeze Anaabanga n'eddembe okulekulira ekifo kyonna oluvannyuma lw'okutegeeza Ssentebe oba Omuwandiisi mu buwandiike mu bbanga lya mwezi gumu okulekulira ekifo ekyo.

c) Omukulembeze anagyibwanga ku bukulembeze :-
   i) Bwaneyisanga mu ngeri ewebuula eddiini enkatoliki oba ekibiina.
   ii) Singa analemwanga okutuukiriza emirimu gye.
   iii) Singa aba n'emirimo emirala egitamusobozesa kutuukiriza buvunanyizibwa bwe.

iv) Olw'obulwadde obw'olukonvuba.

v) Akakiiko Akakozi kanaatuulanga okusalawo ku nsonga eyo era okusalawo kwako kunaakakasibwanga olukiiko lwa bonna mu bbanga eritasukka myezi esatu (3)

EKITUNDU 12: <u>EMIRIMU GY'AKAKIIKO AKAKOZI</u>

a) **<u>Abakulembeze awamu</u>**.

i) Okulondoola ebiba bisaliddwawo mu nkiiko za bonna okulaba nti bissibwa mu nkola

ii) Okutemanga empenda ezinayamba ekibiina okutuukiriza ebigendererwa byakyo, okukitumbula n'okukyagazisa abalala.

iii) Okunnyikiza omutima gw'obutume bw'omukatoliki mu Eklezia.

b) **<u>Ssentebe</u>**

Ku buli mutendera Ssentebe anaakolanga bino:

i) Anaakubirizanga enkiiko zonna.

ii) Okutabaganya n'okukwanya emirimu gy'ebitongole.

iii) Okuyita enkiiko ng'akolagana n'omuwandiisi.

iv) Y'anabanga omukuumi w'enkola y'ekibiina (protector of the policy)

v) Ng'ali wamu n'Akakiiko Akakozi anaakolanga era n'ayanjulira bannakibiina ebikoledddwa mu lukiiko lwa bonna buli mwaka.

vi) Ye anaayogeranga mu butongole mu linnya ly'ekibiuina era y'anaatekanga omukono ku biwandiiko ebitongole eby'ekibiina.

c) **<u>Omumyuka wa Ssentebe</u>** - ku buli mutendera anaayambanga Ssentebe mu mirimu egyo egiragiddwa waggulu.

d) **Omuwandisi** – Ku mitendera gyonna

i) Nga bakolaganira wamu ne Ssentebe anaayitanga enkiiko
ii) Anaakumanga ebiwandiiko by'ekibiina

iii) Anaawandikanga ebiteesebwako (minutes) mu nkiiko zonna n'okubisaasanya mu bannakibiina.

iv) Anaakumanga enkalala za bannakibiina.

v) Wamu ne Ssentebe anaakolanga alipoota buli myezi mukaaga (6) na buli mwaka.

e) **Omutetenkanya w'ebyenfuna** – ku mitendera gyonna

i) Nga akolaganira wamu n"Akakiiko Akakozi anaalabiriranga era n'akuuma ensimbi z'ekibiina.

ii) Anaaabanga n'obuvunanyizibwa ku nsonga zonna ezikwata ku nsimbi z'ekibiina (eziyingira n'ezisasaanyizibwa).

iii) Anaasasaanyanga ensimbi nga zimaze okukakasibwa Akakiiko Akakozi.

iv) Anaakumanga olukalala lw'eby'bugagga bw'ekibiina.

v) Anaavunanyizibwanga okukuuma ebitabo ebiraga ennyingiza n'ensasaanya y'ensimbi mu ngeri entuufu era enzijuvu.

vi) Anaavunanyizibwanga okuwa alipoota y'ebyensimbi buli myezi mukaaga (6) eri Akakiiko Akakozi. Era nga ayambibwako Akakiiko kano, anaakolanga alipoota ey'omwaka eneyanjulirwanga olukiiko lwa bonna (General Assembly)

vii) Anaakolanga embalirira (Budhet) y'eby'ensimbi buli mwaka eneekakasibwanga Akakiiko Akakozi nga tenatekebwa mu nkola.

viii) Anaatemanga amakubo ag'okuyingiza ssente mu kibiina n'aganjulira Akakiiko Akakozi okugakakasa nga tennagasa mu nkola.

f) **Omuseesa w'ekibiina** (Liaison / mobilser)

i) Okusikirizza abantu okuyingira ekibiina

ii) Ng'akolagana n'Omuwandiisi okumanya ebikolebwa mu buli kitongole n'okubimanyisa abantu.

g) Abakulembeze abalala (Committee members)
   i) Buli omu anaakolanga emirimu emitongole egyamulondesa ku kakiiko
   ii) Banaakolanga emirimu gyonna eginaabanga gibatumiddwa Akakiiko Akakozi oba Ssentebe

Buli omu anaayanjulanga ebikoleddwa mu kitongole kye buli myezi mukaaga (6)
Omuntu okulondebwa ng'alina ekimu ku busaanyizo bino:-

1. Ow'amaka:
   Omufumbo omulungi alumirirwa okuyamba banne mu kunyweza n'okutereeza amaka amakristu.
2. Ow'abavubuka:
   Ayinza okuyamba abavubuka okweteekerateekera obufumbo obutukuvu, n'okujjumbira eddiini i.e. abali mu Senior Secondary School n'okweyongerayo n'abo abatali mu massomero.
3. Ow'engunjula y'abaana:
   Alumirirwa enguunjula enkatoliki mu masomero ga primary, senior secondary school n'okweyongerayo era ayinza okugirwanirira.
4. Ow'enkulakulanya:
   Omukozi omunyiikivu ate ng'alina ekirabika nti mutetenkanya mulungi mu by'enfuna n'okwekulaakulanya ate ng'alumirwa banne
5. Ow'eddembe n'obwenkanya
   Alumirwa era asobola okulwanirira eddembe n'obwenkanya
   (Peace and justice)

h) Omukebezi w'ebitabo (Auditor)
   Akakiiko Akakozi kanaaletanga amannya asatu (3) olukiiko olwa bonna ne lulondamu omukebezi w'ebitabo anaakolanga alipoota nagiwereza Ssentebe era anavunanyizibwanga okujanjulira olukiiko olwa bonna. Kino kinakolebwanga ku buli mutendera.

EKITUNDU 13: ENSIMBI Z'EKIBIINA

i) Ekibiina kinaaberanga n'ensimbi ezinaakiterekebwanga ku account y'ekibiina /z'ekibiina. Account (s) y'ekibiina eneggulwangawo/zinaggulwangawo omutetenkanya w'Ebyenfuna nga amaze okukkirizibwa Akakiiko Akakozi

ii) Ensimbi z'ekibiina zinaavanga mu makubo gano wammanga:-
   a) Emitemwa gy'obunnakibiina (membership fee)
   b) Emitemwa egintekebwangawo buli mwaka (Annual subscription fee)
   c) Emitemwa gy'abasaba okulowoozebwako okubeera bannakibiina (membership proposal and observer fee)
   d) Ensimbi ezinaavanga mu mirimu eginaakolebwanga ekibiina.
   e) Ebirabo mu nsimbi ebinaatonerwanga ekibiina
   f) N'ensimbi endala zonna ezinnavanga mu makubo agatali gamu aganaatemwanga okufuna ensimbi ezinaatambuzanaga emirimu gy'ekibiina.

iii) Okuggya ensimbi ku account(s) y'ekibiina cheque eneeberangako omukono gw'omutetenkanya w'Ebyenfuna, ogwa Ssentebe n'ogw'omuntu omulala anaalondebwanga bannakibiina bennyini mu General Assembly, kyoka nga tali ku kakiiko Akakozi.

EKITUNDU 14: EBISEERA BY'ENKIIKO

i) Akakiiko Akakozi kanatuulanga bwe kati:-

	Essaza	Deanery	Parish	Sub parish
Buli myezi	4	3	2	1

ii) Olukiiko olwa bonna lunaatulanga omulundi gumu buli mwaka ku buli mutendera. Enkiiko ez'embagirawo zinatuulanga buli lwe kiba kyetagisizza.

Omuwendo gwa bannakibiina oguwera kimu kya kusatu n'omulala omu (1/3 + 1) gweguneetagisanga olukiiko okubaawo (quorum)

Bannakibiina abatakka wansi wa kimu kya kusatu (1/3) banayinzanga okusaba omuwandisi mu buwandiike okuyita olukiiko olw'awamu nga bategeeza n'ensonga eyisa olukiiko olwo. Omuwandisi ng'afunye okusabwa okwo era ng'amaze okutegeeza Ssentebe anaatekwanga okuyita olukiiko olwo mu bbanga lya nnaku assatu (30)